# »Engeri y‘okutabula obulungi n‘okuwa eddagala lya Polyflex (ampicillin omutabule owoomumpiso)«

Olw‘okubeera ekimu ku bintu ebikosa obulunzi bw‘ebisolo, obulamu bw‘ekisolo bulagula omutindo n‘obungi bw‘ebiva mu nsolo ebifunibwa mu nsolo.

Nga eddagala lya prolyflex bwe liyamba ente obulwadde obukwata ebitundu ebiyamba mu kussa, litundibwa ng‘obuwunga obwetaaga okutabula n‘amazzi agataliimu buwuka okukola olutabu olw‘okuyisa mu mpiso. Obungi bw‘amazzi obukozesebwa okutabula eddagala businziira ku buka obwetaagibwa.

## Okuwa/okukuba ensolo eddagala

Ekisooka, tunula ku kapapula k‘eddagala okufuna entabula erigenderako era nga okozesa empiso empya, sika amazzi agataliimu buwuka, gateeke mu kacupa k‘eddagala lya polyflex era otabulire ddala bulungi obuwunga obwo. Lamba eccupa nga okozesa ennaku z‘omwezi n‘obuka.

Mu ngeri yeemu, siba ensolo nga tonnagikuba ddagala olw‘okwekuuma, obutakutuusaako bulabe, n‘ensolo okubeera obulungi. Nga bw‘olonda empiso entuufu esaanira okukuba eddagala, pima obuzito bw‘ensolo oteeke mu mpiso ekigero ekituufu eky‘eddagala lya polyflex. Laba w‘ogenda okukuba empiso era olwa kino, akasumbuusa triangle mu bulago ke kazinga okwagalwa akabeera wansi w‘ekinywa ekyetoolodde waggulu ku nkizi emabega ku ggumba ly‘ensingo mu maaso g‘eggumba ly‘ekibegabega. Weewale omusuwa gwomubulago n‘obuzimbu bw‘ensanjabavu.

Nga omaze okulabawo, kuba empiso busimba mu ddiba ogyongereyo

mu kinywa era oluvannyuma lw‘okukuba eddagala, ggyamu empiso era okozese mpiso ndala ku buli nsolo okwewala obujama okuva ku nsolo emu okudda ku ndala n‘obutwe bw‘empiso obuba butakyafumita bulungi.

Ekirala, lamba ensolo ezijjanjabiddwa era oziteeke mu kiyumba okutuusa ekiseera ky‘okuzaawula lwe kiggwaako. Kuumira eddagala erisigaddewo mu bbugumu lya ddiguli asatu ku ana okulikuuma nga ddamu okumala emyezi ng‘esatu.

N‘ekisembayo, nyeenya bulungi ddala okutabula by‘otaddemu nga okozesa eddagala omulundi omulala era ogoberere endagiriro eragiddwa era okolere wamu n‘omusawo w‘ebisolo.